# Okukwatibwa/ Okusibibwa mu bbanja ly'eddwaliro:

## Ebimenya amateeka g'ebyobulamu bwa bamaama mu Uganda



## ENSIBUKO Y'ENSONGA

Mu 2021, ekibiina kya *Initiative for Social and Economic Rights (ISER)* n'abakyala abato babiri baawaaba omusango nga bawakanya eky'okukwatira abakyala n'abawala mu malwaliro olw'okulemererwa okusasula ebisale by'eddwaliro nga bamaze okuzaala. Enkola eno emenya ssemateeka wa Uganda n'amateeka g'eddembe ly'obuntu ag'ensi yonna, naddala okutyobola eddembe ly'obulamu, eddembe ly'okuba n'ekitiibwa, okukuumibwa olw'okuyisibwa mu ngeri etali ya buntu, n'eddembe lw'okwetaaya. Okukwatira abalwadde mu malwaliro kisibukira ddala ku butateeka ssente zimala mu malwaliro ga gavumenti okumalira ddala ebbanga eddene ne gavumenti okulemererwa okufuga obulungi amalwaliro g'obwannannyini.

Mu alipoota ya ISER, *'When Patient Becomes Prisoner: Detention in Health Facilities in Uganda,* [Okusibira omulwadde mu ddwaliro: Okusibira abantu mu Malwaliro mu Uganda] kyazuulibwa nti mu mwaka gw'ebyensimbi 2020/21, gavumenti ya Uganda yawa amalwaliro ery'e Kumi ne Ongino Siringi 174,409,049, ate n'ewa eddwaliro lya Nkokonjeru Siringi 130,647,127.

Newankubadde ng'amalwaliro gano gaweebwa ssente eziwerako mu nteekateeka ey'omukago wakati wa gavumenti n'ebitongole by'obwannannyini, amalwaliro gano gakyagenda mu maaso n'okukwatirayo abalwadde olw'okulemererwa okusasula ebisale by'eddwaliro. Mu ngeri eno, amalwaliro agali mu nteekateeka y'omukago wakati wa gavumenti n'ebitongole by'obwannannyini ne gavumenti kigambibwa nti gakyagenda mu maaso n'okukwatira abakyala n'abawala mu malwaliro olw'okulemererwa okusasula ebisale by'eddwaliro.

**Ebyobulamu bwa Bamaama**

### EBIJULIZIDDWA

- https://www.monitor.co.ug/uganda/news/nationa/baby-detained-by-hospital-over-shs4m-bill-reunited-with-family-after-dna-4377274.
- https://www.independent.co.ug/when-hospitals-become-prisons/
- https://www.theguardian.com/global-development/2023/aug/22/hospital-detentions-for-new-mothers-challenged-in-ugandan-court




## Mu musango guno mulimu okusaba kkooti:

a) Okulangirira nti Gavumenti ya Uganda evunaanyizibwa okukuuma eddembe ly'abakyala n'abawala abeetaaga obujjanjabi bw'ebyokuzaala omuli n'okuwera wamu n'okuziyiza okukwatira abakyala mu malwaliro nga bamaze okuzaala olw' okulemererwa okusasula ebisale by'eddwaliro; kino kibeere ekintu ekitakkirizibwa.

b) Okukubira gavumenti omulanga okubaga amateeka agakuuma abakyala abagenda mu malwaliro g'obwannannyini. Ekirala, okukakasa nti waliwo obujjanjabi obw' obwereere eri bamaama mu bitundu omutali malwaliro ga gavumenti oba okusasulira abakyala ebisale by'eddwaliro mu malwaliro g'obwannanyini mu bitundu ebitaliimu malwaliro ga gavumenti.

**Okukwatira ba maama mu ddwaliro kiggyako Abakyala Eddembe lyabwe ery'Okwetaaya, Ekitiibwa, n'Obujjanjabi.**

**Okumanya ebisingawo, tukusaba otuukirire:**

- Ekitongole ki Initiative for Social and Economic Rights (ISER) info@iser-uganda.org
- Centre for Reproductive Rights (CRR) Africaoffice@reprorights.org

c) Okukubira gavumenti omulanga okussa ekkomo ku kukwatira abalwadde mu ddwaliro olw'okulemererwa okusasula ebisale by'eddwaliro n'okuteekawo ekitangiro eky'enkalakkalira eri okukwatira abakyala n'abawala mu ddwaliro olw'okulemererwa okusasula ebisale by'eddwaliro.

d) Okukubira gavumenti omulanga okulondoola ebikwata ku ddembe lya bamaama n'okukakasa nti likuumibwa.

e) Okuliyira abakyala ssente eziweza Siringi 60,000,000 singa baba bakwatiddwa mu malwaliro mu ngeri emenya amateeka.

## Omugaso gw'omusango

1. Omusango guno gwoleka ebizibu ebiva ku ngeri obujjanjabi bw'abakyala gye bukwatibwamu mu Uganda, naddala ssente entono eziteekebwa mu malwaliro ga gavumenti. Obutawa malwaliro ga gavumnti ssente zimala kiviirako okukola emirimu mu ngeri etatuukana na mutindo n'empeereza embi, ne kikosa abakyala n'abawala abaavu nga bayisibwa mu ngeri etasaanira.

2. Omusango guno gulaga ebikolwa ebimenya amateeka era ebikontana n'eddembe ly'abakyala, omuli eddembe ly'obulamu, okwetaaya n'eddembe obutasosolwa n'ebirala. Omusango guno gussa essira ku bwetaavu obw'amangu okulongoosa mu nkola n'amateeka okukakasa nti ebitongole by'obwannannyini ebyenyigira mu mpeereza y'obujjanjabi bigoberera ekigero ky'amateeka agateekebwawo ag'eggwanga n'ensi yonna agatumbula obwenkanya mu kufuna obujjanjabi bw'ebyokuzaala mu Uganda.

3. Singa gunaavaamu ekirungi, kijja kukakasa nti kkooti egoberera amateeka agakwata ku ddembe ly'abakyala n'abawala ku bikwata ku bujjanjabi bw'okuzaala wamu n'okulaga gavumenti nti y'evunaanyizibwa ku byobulamu bwa bamaama ebiri ku mutindo mu bitundu by'omu kibuga n'ebyomu kyalo.